

Uganda Certificate of Education

(OKUSOMA BWINO, EBYOBWANGWA NE LITULICA)

OLUPAPULA OLWOKUBIRI

Essaawa bbiri ne kitundu (2 $\frac{1}{2}$)

Ebigobererwa:

- *Olupapula luno lulimu ebitundu bisatu: A ne Bne C.*
- *Ekitundu A ne B bya buwaze.*
- *Mu kitundu C londamu ebibuuzo **bisatu** byokka okuva mu butabo obw'enjawulo naye nga ekimu ku byo kya kitontome.*

EKITUNDU A

1. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikubuuziddwa.

Ko omukulu w'essomero nti "anti era ye y'esonga ekulindisizza."

Hoo!! Ekigambo ekyo kyankuba wala. Omwana baali bamukuttee? Yali abyasizza nti yasze wange, abagambye ki? Emmeeme kewoleze nze! Anti ogumanyi bwegulumya eyaguzza.

Sophia yalaba njasaamiridde ng'agabana ebikaawa, nga ne kyakwogera ambuze kwe kuluva ku ntongo nti;

"Omwana oyo ekiro yatolose mu kisulo n'agenda asula e bweru. Omukuumi ye yamukuttee ng'asaliikiriza ayingire munda. Matulooni ye yasoose okulaba nti tali mu kisulo bwe yatuuse mu buliri bwe nga yazingiddemu bigoye ye nakyala n'akunta. Olumubuuiza gy'abadde ava" ate awo nakyuukira omuwala n'amubwatukira nti "yogera nga naye awulira. Obadde ova wa? abega ki no emimwa? ηηamba yogera"

Mu kiseera kino omuntu yenna kaba kamutanda n;ankwata ku mutima gwange nali nkutukiraawwo kubanga gwali gukubira kumu kumu era mu kiseera kino nali n'okuzibiriza nzibirizza nga ntandise n'okutuyana olwo nninda Balungi akoone ku linnya kyange nze nfe.

Mba nkyabulidde mu ntuumu y'ebirowoozo ekyampawamula kwe kuwulira oluyi nva mu mba Sophie lwe yawujja omuwala nga bw'amubwatukira nti "nkugamba oyogere gye wasuze obutise bubutisi matama na kumaggula maaso olowooza ani alina obudde obwokwonoona? Mwana ggwe oli musota gunyiriira kungulu nga nga munda busagwa, oli mmese musonso esokoola bye batagiwadde" Ebyo yabogeranga eno bwamutujja agakonde agoookumukumu mu mugongo.

Nalaba omwana wa bandi bamuttira mu migwa, kwe kukwata omusomesa nti, "owange omwana sooka omuleke, yo gye yabadde ababuuliddeyo?"

Ko Sophie nti "Anti kye kimukubya, twakamubuliza obwedda azimbya ntwiri tanyega" "ηηamba yogera gye wabadde."

Omukyala ono Sophie erinnya lye ery'ekika ye yali Nababi, nakyala wa bayizi abawala ku ssomero naye nga si mukambwe mulwadde. Yali si mukulu nnyo naye ng'agenderedde era kitaba ki yali awezeza emyaka ana oba ng'agibuzaako luta lwokka.

Mu ndabika teyalu mu bi nnyo, okuggyako embazzi z'amannyo n'amasongezo ge gombi agaali gagerekera era ng'ebiseera ebirimu bw'aba ayogera gafuluma nga ag'e'mbizzi enjiri. Mu magulu ge yalinamu enkobogo naye nga si nnyingi nnyo ezitiisa.

Ku mikono gye gyombi yalinako by nnamagalo. Ku Nnamagalo no kuno n'amannyo agaagerekera mbu abayizi b'oluganda kwe baava ne bamugereesaako nti "Katonda gwe yawadde gwaddiza. Nnamagalo ku ngereka" Baava okwo nga bamukazaako lya Gwaddiza, baalaba libakooya kwe kulisalako ne bamweyitira "Gwadi" erinnya lye baakozesanga eyo mu nkukutu bokka na bokka anti abayizi!!

Ebibuuzo

- (a) Ekitundu ekyo kiwe omutwe ogikituukirako.
- (b) Leeta ensonga ssatu eziyinza okukwagazisa essomero eriringa eryo eryogerwako n;endala ssatu eziyinza okulikukyayisa. (obubonero 6)
- (c) Menyayo embeera ez'enjawulo ezikakasa nti omunyumya w'emboozu eno yatya nnyo. (obubonero 4)
- (d) Okakasa otya nti ddala Nababi yali mubi mu ndabika. (obubonero 3)
- (e) Leetayo ebintu bisatu by'oyinza okwewuunya ku baana b'essomero. (akabonero 3)
- (f) Wa amakulu g'ebigambo bino
 - (i) kuluva ku ntano
 - (ii) ng'asa'inkiriza
 - (iii) n'akunta
 - (iv) ntuumu(obubonero 4)

Ku bibuuzo (g – j) buli kimu genda ng'olondako eky'okuddamu ekisinga okuba ekituufu.

- (g) Emyaka ana okuba nga yali agibuzaako luta kitegeeza
 - (i) gyali mitono nnyo.
 - (ii) yali agibuzaako katono.
 - (iii) yali agiyisizzaako katono
 - (v) Yali tannagiweza.
- (h) Omunyumya w'emboozu eno yali mu kutya kubanga.
 - (i) yali muzadde wa muwala.
 - (ii) ye yali atolosezza omuwala.
 - (iii) ye yasula n'omuwala
 - (iv) ye yali asomesa omuwala ono.

- (i) "Ku mikono gye gyombi yalinako Nnamagalo" Kino kitegeeeza
 - (i) yalina engalo 12.
 - (ii) yalinako obugabo onutono
 - (iii) yali akutte magalo
 - (iv) yalinako essaawa

- (j) Omuwala ayogerwako mu mboozi eno ye?
 - (i) Balungi
 - (ii) Sophia
 - (iii) Matulooni
 - (iv) Tamanyiddwa

EKITUNDU B
Kola 2(a) oba 2(b)

2. (a) Maliriza engero zino nga bwe zoogerebwa. (obubonero 10)
 - (i) Abataka abaagalana
 - (ii)ezaala enkolya.
 - (iii)taba mubbi.
 - (iv) Nakye yombekedde gw'ayiisa.....
 - (v) Bakuyita embuga
 - (vi) Alima kasooli tamulya makoola.....
 - (vii) Omusango omukadde
 - (viii)tattirwa ku bbala limu.
 - (ix) Oguggwa
 - (x) Twalabagana obwedda

- (b) Nnyonnyola amakulu g'engero zino wammanga. (Obubonero 5)
 - (i) Afuna aduula.
 - (ii) Kamaanyi kaliibwa na mbiro.
 - (iii) Sserukama mayute, bwe bakwata ku lirye ng'awoloma.
 - (iv) Zirindaba olwange tawa musibe mmere.
 - (ii) Akeezimbira tekaba kato.

EKITUNDU C
Londayo ebibuuzo bisatu (3) okuva mu mu butabo obwenjawulo.

Mukasa .G. Robert : Tokiyya ɳηonge nto.
Kola 3(a) oba 3(b)

3. (a) Akatabo Tokiyya ɳηonge nto kayinza katya okutebenkeza omuvubuka wa leero munneeyisa ennungi? (obubonero 20)

Oba

3. (b) "Nyabo Nasejje nyiga nnyo gye babutunda tumanyiyo tunaagula obulala....."
 - (i) Baani aboogera ebigambo ebyo? (obubonero 2)
 - (ii) Ani eyali anyigibwa? (obubonero 2)
 - (iii) Nnyonnyola ku bikulembera akavunuŋŋano kano. (obubonero 8)
 - (iv) Oyiga ki mu akavunuŋŋano kano? (obubonero 8)

C. KALINDA: Pawulo Kirimuttu
Kola 4(a) oba 4(b)

4. (a) Nnyonnyola okusoomoozebw abavubuka bennaku zino kwebalina ng'omuwandiisi bw'akutulaga mu lugero luno.

OBA

4. (b) "Mitala wa mayanja wa? Bugerere? Ogenda kumalayo ennaku mmmeka?
(i) Ani ayogera ebigambo ebyo era abigamba ani? (obubonero 2)
(ii) Abigambibwa yaddamu ki amangu ago? (obubonero 4)
(iii) Nnyonnyola ebyaddirira amangu ddala. (obubonero 14)

W. Kiyingi: Gwosussa Emwanyi

5. (a) Nnyonnyola ku bintu ebiyinza okunyiiza abakyala nga basinziira ku muwandiisi by'akozesa abakazi mu muzanyo. (obubonero 20)

Oba

5. (b) "Nzija, ensi tekomye awo kutwawukanya, nze nkutte kiganda ye munange akutte kizungu - ekizungu nno ekisinga ne kye nasoma (enseko)...."
(i) Ani ayogera ebigambo ebyo? (obubonero 2)
(ii) Ani ayawukana n'omwogezi mu nkola? (obubonero 2)
(iii) Omwogezi akwata atya Ekiganda? (obubonero 8)
(iv) Munne w'omwogezi akwata atya ekizungu. (obubonero 8)

Masagazi ne Banne : Balya n'Ensekeezi

Kola 6(a) oba 6(b)

6. Soma ekitontome OBUDDE BUWUNGEERA n'oluvanyuma oddemu oddemu ebibuuzo ku nkomerero.

Obudde buwungeera

- | | |
|--|---|
| 1. Obudde buwungeera,
Ssaawa zewereekerera,
Wanjuba mmulaba akkirira,
Wa, Nabikande gy'alya ebiwata. | Ng'obudde buwungeera. |
| 2. Kitangaala basindiikiriza,
Kasana kakomekkereza,
Mmunyeenyre zirindirira,
N'akeezi kasemberera,
Ng'obudde buwungeera. | 4. Obudde buwungeera,
Ekyoto batindikira,
Emimuli gizingululwa,
Kyeggulo kirangirirwa,
Buliri butinkuulwa,
Ez'otulo zisemberera,
Obudde bwe buwungeera. |
| 3. Obudde buwungeera,
Batambuze basaayirira,
Ow'emmwanyi ayanulirira,
Bakomazi bafundikira,
Ab'esejjere banoonyereza, | 5. Nsowera ziwummuzibwa,
Ensiri zeekaaaliisa,
N'ebiku bimwenyerera,
Emmese zisooberera,
Ng'obudde buwungeera. |

6. Obudde buwungeera,
Omusezi asalinkirira,
Ne kkondo afumitiriza
Omubbi alabinkiriza,
Musiguze abuguumirira,
Omulogo asanyukirira,
Ng'obudde buwungeera.
7. Obudde buwungeera,
Ke kade akalangirira,
Lunaku lufundikirwa,
Kawamigero yabiyyiriza,
Emisana biyenneera,
Ekiro bibondeera,
- Awo ng'obudde buwungeera
8. Obudde buwungeera,
Nnyaanyaagize zikungiriza,
Bunyenyenkule busaakaanya,
N'ennyonyi zitendereza,
Biwuuguulu biringiriza,
Binyira bisambagal,
Enkoko zisoonooka,
Enfo zizeesooka,
Ng'obudde buwungeera.
- .

Ebibuuzo

- (i) Omutontomi yakola atya okuvuza ekitontome kino ng'oluyimba? (obubonero 5)
- (ii) Nnyonnyola engeri omutontomi gy'asengese obubaka mu sitanza ettaano ezisooka.
(obubonero 5)
- (iii) Ekitontome kino kyolese kitya obukugu bw'omutotomi? (obubonero 6)
- (iv) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo ebisaziddwako okusinziira ku ngeri gyebikozeseddwa mu kitontome.
(obubonero 4)
- Batambuze basaayirira
 - Buliri butinkuulwa
 - Bunyenyenkule busaakaanya
 - Kawamigero y'abiyyiriza.

OBA

6. (b) Masagazi ne banne batusomesa bya buwangwa ki nga bayita mu kitabo balya
n'ensekeezi.
(obubonero 20)

Kola 7(a) oba 7(b)

7. (a) Soma ekitontome EBITABO n'olvanyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.

1. Ebitabo, birina omugaso,
Birimu amagezi, aga bannaffe,
Birimu ezzaabu, eya
nnamaddala,
Birimu okuyiga okutagambika!
Mubisome.
2. Ebitabo, biringa eggwanika,
Birimu kalonda, owa buli ngeri,
Bikuwa okuyiga,
by'otomanyiiko.
Obwongo bugaziwa
ky'otosuubira!
Mubisome.
3. Ebitabo, muddu mulungi,
Buli ky'obituma, bikuweereza,
Birimu ebinyuma, ebya
nnamusava!
Birimu ekiriisa ekitagambika,
Mubisome
4. Ebitabo musomesa nnyo,
Biyisa bingi by'otoyizeko,
Bibangula omutwe, mu ngeri ya
mpola!
Birimu effeeza, etesimwangako!
Mubisome.

5. Ebitabo, tebiwuubaaza,
Onyumya nnyini,
teweewunikako,
Birimu emboozi, makula ddala,
Biwummuzu ebirowoozo!
Mubisome.
6. Ebitabo, ssente zigenduka,
Birina omukwano,
musendekerevu,
Omunyuvu nyini, ogutakyuka,
Onyumya n'abantu,
abatakumanyi!
Mubisome.
7. Ebitabo, mu gwo ddala,
Byo tebyekaanya, tebikukayula
Bigaziya obwongo, ate
biwagala,
Bikuwonya eηηambo
ezitabangula!
Mubisome.
8. Ebitabo, kya bugagga nnyo,
Birimu amagezi, amagezi,
ameekusifu,
Abagezi nfaafa, be tutamanyi,
Tubasangamu, ne tunyumya
nabo!
Mubisome.

Ebibuuzo

- (i) Wa ensonga bbiri (2) lwaki omuwandiisi asembezza olunyiriri olufaanagana ku buli sitanza. (obubonero 4)
- (ii) Okakasa otya nti ebitabo bimalako omuntu ekiwuubaalo? (obubonero 6)
- (iii) Omuwandiisi azimbye atya omulamwa gwe mu kitontome kino? (obubonero 4)
- (iv) Wa ensonga ssatu (3) eziraga obukungu bw'omuwandiisi mu nkозesa y'olulimi mu kitontome kino.

OBA

7. (b) Phoebe Mukasa atulingiza atya ku buzibu bwetusanga mu bulamu obwa bulijjo ng'ayita mu JJANGU TUTONTOME? (obubonero 20)

BIKOMYE WANO